# Poliisi ekutte eyatta omuyizi wa S2 gw'ekukunudde e Mayuge

Bya FAISAL KIZZA

POLIISI kyaddaaki ekutte omusajja agambibwa okutemula omuyizi Sumayya Bint Edirisa 15 eyali asoma S2 ku Nakaloke SS mu Northern division mu Mbale City.

Ettemu lino lyaliwo nga 24/05/2025 mu loogi eya Grace Guest House esangibwa e Namakwekwe. Ebimu ku poliisi bye yazuula nga yeeyambisa kkamera enkessi egamba nti omulenzi yayingira mu loogi n'omuwala, kyokka n'afuluma yekka.

Omwogezi wa poliisi mu bitundu bya Elgon, Rogers Taitika mu lukunngaana lwa bannamawulire yategeezezza nti omusajja Kiranda Fahad 27 yakwatiddwa mu tawuni kkanso y'e Mayuge gyabadde yeekukumye. Yatwaliddwa e Mbale gyeyaddiza omusango guno. Agenda kusimbibwa mu kkooti avunaanibwe ogw'obutemu.



Kiranda Fahad